| Essomo 6 | الدرس السادس |
|---|---|

Era egenda kuyitilila enyonta kulunaku olwo ekigero kyalwo ekyenkana emyaka enkumi ettano okujjako nti yye omukkiriza lugenda kumuyitako nga lwangu lumpi nga bwoyimilizawo eswala etaano.
Songa era abasiraamu abakkiriza bagenda kunywa muluzzi lwa nabbi (SAW) oluvanyuma lwokugenda gyeluli songa oluzzi olwo (HAUZWI) lwakitibwa Allah yaluwa nabbi (SAW) nalumwawulila yekka nga ummah ye yegenda okunywamu olunaku lwenkomelero.
Amazzi galwo meeru nnyo okusinga amata ate nga gawooma okusinga omubisi gwenjuki ate nga gawunya bulungi nyo okusinga akawoowo ka misiki songa nebyombo byalwo byenkana nkana obungi bwabyo nga omuwendo gwemmunyeenye ezili kuggulu, omuntu alilunywamu olunywa tagenda kuddayo kufuna nyonta emilembe nemilembe.
Era abantu bagenda kusigala mubbalilu ekissera ekiwanvu, nga balindilila okusalawo kwa Allah nokubalibwa naye bwebaliba nga bakooye okuyimilila nokulindilila ewamu nembeera eyobuzibu gyebalimu, nokwokya kwenjuba, bagenda kunoonya ani ayinza okubawoleleza eri Allah, Allah asobole okulamula wakati webitonde nokubibala.
Bwebatyo bagenda kugenda ewa nabbi Adam (A.S) abetondere olwobutasobola, oluvanyuma bagende eri nabbi Nuuh naye ateekewo okwetonda nti tajja kusobola oluvanyuma bagende eri Ibrahim (A.S.) naye atekeewo okwetonda nti tajja kusobola, noluvanyuma bagende eri Musa (A.S.) naye atekewo okwetonda nti tajja kusobola noluvanyuma bagende eri Isa naye ateekewo okwetonda nti tajja kusobola oluvanyuma bagende eri nabbi Muhammadi **(SAW)** bwatyo agenda kugamba nti yye nze naNyinikwo, agenda kuvunnama wansi wa arushi atendeleze allah nga ali wansi awo ku Arushi ya allah namatendo gaalimuggulilawo allah mukiseera ekyo, bwatyo agambibwe nti owange muhamMadi situla omutwegwo amakulu vunnamulukuka era osabe okuwebwa era owoleleze ojja kukkirizibwa okuwoleleza kwo.
(Bwatyo ajja kusaba) era Allah akkirize okulamula n’okubala biyimililewo, nga ne umah ya nabi Muhammadi (A.S.) yegenda okusooka okubalibwa.
Era nga nekigenda okusooka okubalibwa mumilimo egenda kubeera swala bwelisangibwa nga nungi era nekkirizibwa olwono nemilimo emilala tegigenda kutunulwamu, ate bweliganibwa nemuddizibwa nemilimo emilala gigenda kumuddizibwa.
Era omuddu agenda kubuuzibwa kubintu ebitano; ajja kubuuzibwa kubuwangaazi, yabumala muki nga akolaki era abuuzibwe kubuvubukaabwe yabumalako atya, era abuuzibwe kubuwangazibwe yabukolamuki.
Ate era ekigenda okusooka okulamulwa wakati wa baddu gwe musaayi ogwayiibwa songa nokwesasuza kulunaku olwo kugenda kubeera mu milimo gya muntu emilungi era nemilimo emibi, bakwate mubilungi byomuntu basasule oyo amubanja bwebilimuggwako ate lwo bakwate kubibi byababanja amakulu emilimo gyabwe emibi bagimusseeko olwono obuzibu budde kubunnabwo.
Era egenda kutekwayo *Siratwa* nga nayo kawuzi katono nnyo okusinga oluviili ate nga kooji nyo kasala nyo okusinga ekitala, egenda kutekebwa waggulu womulilo jahannama abantu bayite waggulu waayo buli omu afuna obwangu obujiyitako okusinzila ku milimogye gyeyakola, mubantu mwemuli aligiyitako nga olutemya lwe liiso ate abalala nga empewo ate abalala nga ensolo edduka enyo ate abalala nga abaavula obwavuzi, songa ku Siratwa eno kuliko amakongolijjo, gagenda kukwata abakaafiiri gabasike gabasuule mumuliro Jahannama bagenda kwechachana abakafiiri nga bwebagwa mumuliro nabo baaliba ayagadde Allah mubakkiriza naye nga baamujemera mubimu.
Wabula bbo abakafiiri bo bakubeelela ddala mumuliro emilembe nemilembe, songa bbo abaamujemera mubimu mubakkiriza bbo Allah ajja kubaboneleza ekiseera kyaliba ayagadde oluvanyuma bajjibweyo bayingile ejjana
(Wabula wano tuteegeza aba abaamujemela naye nga simazambi agazikiriza nebafa nga tebenenyeza nga shiriki eddogo obutasaala namalala amanene)
Era agenda kukkiriza Allah eri oyo gw’aliba ayagadde muba nabbi nababaka nabalongofu okubeera nga bawoleleza abamu kubaliba bayingidde omuliro mwabo abaali bayina Tawuhid, Allah abeere nga abajja mumuliro.
Era bwebatyo bagenda kusooka bayimilile abo abaliba bamaze okuyita ku swiratwa nga nabo bebakkiriza abantu bomujjana bajja kusooka bayimilile mukifo ekiyitibwa (Qanintantwarat) kili wakiti we jjana nomuliro bamale okusasuliganа tewalo agenda kuyingila jjana yenna alibeera nga ayina kyeyalyazamnya munne mpaka nga amaze kumusasula olwo emitima gyabwe gibeere mitukuvu buli omu eli munne.
Bwebatyo bwebaliyingila abantu bomujjana ejjana nabo mumuliro bayingile omuliro bagenda kuleeta okufa nga kuli mikifaananyi kyendiga esalibwe wakati wejjana nomuliro nga abantu bomujjana balaba nga nabo mumuliro balaba, oluvanyuma bagambibwe nti abange abantu bamumuliro mubeelemu emilembe nemilelmbe temugenda kuddamu kufa namwe abomujjana mubeelemu emilembe nemirembe temugenda kuddamu kufa singa wabadde awo akyasoobola okufa esanyu baalilifudde abomujjana ate singa walibaddewo asobola okufa enaku bandigifudde abomumuliro.